335/2
LUGANDA
PAPER 2
AUGUST 2005
2 HOURS 30 MINUTES

MASAKA DIOCESE JOINT MOCK EXAMINATIONS 2005
LUGANDA
PAPER 2
2 HOURS 30 MINUTES

- Olupapula luno lulimu ebitundu bisatu; A, B ne C.
- Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu A ne B.
- Mu kitundu C, ebibuuzo nnamba 3 ne 4 bya buwaze.
- Ku bibuuzo nnamba 5, 6, 7 ne 8 londako bibiri by'oyagala kyokka nga biva mu butabo bwanjawulo ng'ekimu ku byo kya Bitontome.

© ***MASAKA DIOCESE JOINT EXAMINATIONS 2005***

1. Soma ekitundu ekikuweereddwa wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

Enkola ey'okukakaatika ku ggwanga olulimi olumu oluyitibwa olutongole, ate naddala nga lugwira, enyoomesa nnyo Abaddugvu, ate eggwanga erifiiriza bingi ddala. Ate obuyigirize bugenda kasoobo, tebusimba mirandira, era buba bwa munguuba ate nga bannansi abasinga obungi tebusobola kubatuukako. Eggwanga libeera lya kireebereebe (ambivalent) oba matankane. Mu byenfuna, eggwanga lifiirwa sente nnyingi nga ligula ebitabo mu ggwanga linnannyini lulimi lwe lyawakula era n'ebintu ebirala ebigendera ku lulimi ng'ennyimba, kwe kugamba nti amayinja n'entambi, ez'ennyimba n'eza sinnema. Kiba kizibu ddala lyo okukola ebyalyo kubanga bannansi tebasobola kuvuganya na bannannyini lulimi lugwira.

Amagezi gaffe kiba kizibu okugatunda ebweru ne galeeta ensimbi mu ggwanga ng'ekyamaguzi ekikusike (enviable export). Newandibadde Abangereza bantu baweesi, naye olulimi lwabwe ky'ekyettunzi ekisinga byonna bye bakola okuyingiza ensimbi buli mwaka.

Olulimi lwa mugaso nnyo era terwandidibye nga bannanyini lwo bakyali ku nsi, naye luyinza okudiba oba okufa. Obufuge, okuzaawa, entalo, obuwugulavu n'endowooza ennafu bye biyinza okudibya oba okutta olulimi.

Mpulidde emirundi mingi ng'abantu abakulu beemulugunya mbu Abavubuka ba leero beeyisa nga bannamawanga: olulimi lwabwe tebalumanyi (sso n'Olungereza lwe balowooza nti balumanyi kyangu okuzuula nti balutegeera kitono), tebassa mu bantu kitibywa, tebabuuza, bayita ku bantu ng'ensolo, tebalina gwe beeguya, tebalina mpisa (bategeeza ez'ekiganda) Tekyewuunyisa . Olulimi lwe bakubirizibwa ennyo bwe batyo mu masomero okukenkuka terwazimbirwa ku mpisa za wano. Olulimi n'empisa bigendera wamu. "Ayagala omulongo ayagala n'olukoba".

Obuyongobevu n'okutuggubala by'otera okulaba mu baana baffe aba Primary tebisangika mu baana bayigira mu nnimi zabwe; ebyo biva ku kusoberwa (frustration) okusibuka ku kulwanagana kw'ebirowoozo by'omwana ebiba bigezaako okufuna n'okuvvunula obubaka obuba bujjira mu nnimi ebbiri omwana z'aba tannafunako na lumu lw'akazizza,; ate n'okutya okukubibwa emiggo singa akwatibwa ng'ayogera olulimi lwe. Ebyo by'ebigaana omwana okweyabya mu kiseera obwongo bwe mwe buba butandikira okweyanjuluza,. Omwana obutaleekana kaba kabonera ka bulwadde. Omwana omulwadde takwata bulungi by'ayiga. Ate bangi obulwadde obwo babulagira mu kuwaganyala na kutaamuuka nga boonoona ebintu ku masomero ng'okwasa amadirisa oba okwokya ebizimbe nga beemala ekiruyi.

Ssi kirungi abantu abategeera okugobereranga obugoberezi gavument buli ky'ebayiiyiza. Abazadde be nnyini be balina obuvunaanyizibwa ku ngeri abaana baabwe gye basaanidde okugunjulwamu.

Obuyigirize bw'ennaku zino tebugenderera kuleeta bugunjufu mu ggwanga lyaffe, businga kugenderera kutendeka butendesi bapakasi…….

(Kigiddwa mu ESSAAWA ETUUSE AFRICA OKUZUUKUKA ekya P.J. KADDU)

EBIBUUZO:

(a) "Okusiba ku bannansi olulimi olugwira kibi nnyo"
Wa ensonga lwaki bwe kiri.

(b) Olulimi lukulaakulanya lutya eby'enfuna ?

(c) Abavubuka baaleero bakirako **BANNAMAWANGA**. Kino kiragiddwa kitya?

(d) Omuze gw'abayizi okwonoona ebintu by'essomero Omuwandiisi agwogeddeko ki ?

(e) Nyonnyola bulungi omuwandiisi ky'ategeeza mu "Ayagala omulongo ayagala n'olukoba"?

(f) Nyonyona amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye:

(i) Okukakaatika
(ii) Eby'obuwangwa.
(iii) Matankane.
(iv) Okweyabya.

Okuva ku (g) okutuuka ku (k) Londako.

(g) Omutwe ogusaana ekitundu kino gwe:

(i) Omugwira tetumulinaamu kalungi konna.
(ii) Omweyogereze takusuuza kayanzi ko.
(iii) Abayizi bayisibwa bubi.
(iv) Omwana w'Omuddugavu afa obwavu.

(h) Olulimi olugwira

(i) lwelwo olugwa obugwi.

(ii) Lwe lwo bannansi lwe bataagala
(iii) lujjudde eby'obuwangwa ebizza eggwanga emabega
(iv) lwettanirwa nnyo abeeyita abaasoma.

(i) Amasomero g'abaddugavu mu nsangi zino:

(i) Gajjudde obugunjufu obw'ekitalo.
(ii) gatendeka butendesi bapakasi, obugunjufu tegabussaako ssira.
(iii) Obugunjufu tegabulowoolezaako ddala
(iv) Abayizi bafuuwa luzungu lwokka.

(j) Abavubuka baleero ekibaleetera obuteguya balala.

(i) Oluzungu balutegeera nnyo.
(ii) Kubanga beewulira nnyo ekisusse.
(iii) Oluzungu lwe boogera mu masomero luzimbirwa ku mpisa z'abazungu engwira.
(iv) Kubanga baba kireebereebe.

(k) Eky'okuyiga ekikulu ekibadde mu mboozo eno

(i) obweddiimo mu masomero buleetebwa kwekyawa kw'abayizi.
(ii) Olulimi kye kimu ku by'obuwangwa.
(iii) Olulimi ly'eggwanga.
(iv) Abagwira be bazza munnansi emabega.

Kyusa olupapula

EKITUNDU B

Kola 2 (a) ne 2 (b)

2. (a) Maliriza engero zino wammanga nga bwe zoogerwa.

(i) ……ze nnimi z'omukadde.
(ii) Nte nsibe…….
(iii) ……..wasigala kalandalugo
(iv) Ekituulirizi……
(v) ……tatega/tatta/takuba ηηaali
(vi) Zansanze……
(vii) ……..lutta nnyoko.
(viii) Amagezi ntakke……
(ix) ……ennyonyi ziguyita ttale.
(x) Kya mummi……..

(b) Leeta olugero lumulumu olufaanaganya amakulu n'olwo olukuweereddwa.

(i) Abataka nkwenge gw'olya naye y'akutta.
(ii) Addiηηana ekitiko y'akiggya.
(iii) Waggumbulizi k'aba nako k'awa munywanyi we.
(iv) Bw'otava ku mulungi ofa owoza.
(v) Tobukuta kibe nga tekinnakenena ndusu.

EKITUNDU C

Ebibuuzo 3 ne 4 bya buwaze, londako ebirala bibiri okuva mu kitundu kino ng'ekimu okiggya mu bitontome . Byonna wamu bina (4)

Kiwanuka Musisi: KIKONYOGO

3. "Aaa, bassebo, siri mwetegefu kudda mabega nga kkooti, wabula oba mwagala okumanya amazima agasinga ku ge mbabuulidde……

(i) Ebigambo ebyo eyabyogera yali abigamba baani?
(ii) Omwogezi w'ebigambo ebyo erinnya lye yawa abantu be yabigamba lyabasaanira. Nyonnyola obutuufu bwa kino.
(iii) Biki ebyaddirira amangu ddala?
(iv) Laga ebyali emabega omwogezi ono gye yali ava.

4. "Kikonyogo bakikasukira kulaalira ne kidda n'ekirimba"

Nyonnyola engeri ez'enjawulo enkonyogo gye yakasukibwamu n'eba ng'eraalira naye sso n'ereeta ebibala.

E.N.K. Kaweere Ebitontome eby'Amakulu

5. (a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo wammanga.

EKITOOKE N'OMUGANDA

Kitooke n'Omuganda nga kya muwendo kya ttendo
Era ddala ddala kikulu kya kitiibwa
Mw'aggya emmere enkulu n'omubisi n'omwenge
Ebigomba enkolo mutere oyo n'obutta
N'eyo emmere embisi n'omukaba bw'ataggya;

Endagala nazo bingi by'azisibamu
Era ddala alina nfaafa by'azikozesa
Z'asibamu emmere n'empombo n'ettu lye
Z'asaaniisa emmere n'okubega n'okubeza
Ye taamusiya ye n'embukutu ez'obuwere
Zo bye biwombo bye n'oluyina n'endeeba
Mw'aggya engenekezo ezeesonga ezeesogga
Ate bye bijiiko by'asenese by'awuusa.
Ebyayi yafuna bingi by'abikozesa
Era ddala nabyo nfaafa by'abiteekamu
Ge mabaati ge g'aseresa obusiisira
Bye bigatto bye ebimuwonya amasongola
Bye bigogo bye by'anaabya olukwakkuko
Mw'akola emigwa by'asonyesa ebiyasamye
By'asibya enkete n'ebinene ggulugulu
Mw'asiba amatu n'ebigugu ebizizika.

Enkolokomba z'asossa azitindiza
Empummumpu ennyirikisi azisawuza
Engoogoonyo n'azikoza enfukumuli
Engogo enkulu n'afuula emirembeko
Migogo emigoogofu egya gogolo
N'egyo emisoonofu gy'asomosa
Biwata ebikonjole eby'bubuzi
N'ebyo ebikoomera ebya kakupe
Bigogo ebisekule byanaabya
Nkeedo enjubuluze z'alukisa
Mirawo emitukuvu gya kugoya
Nkondwe embiririvu ya mikolo.

Kitooke n'Omuganda nga kya muwengo kya ttendoi
Era ddala ddala kikulu kya kitiibwa.

EBIBUUZO:

(i) Omutontomi ategeeza ki mu lunyiriri olw'okutaano mu sitanza esooka?
(ii) Laga ebifaananyi omutontimi by'atukubidde.
(iii) Olukusa lw'abatontomi lweyolekedde lutya mu kitontome kino?
(iv) Ekitontome kino kinyuvu. Olowooza lwaki?
(v) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino:

Tomusiiya, Engenekezo, Amasongola, Ezisawuzo.

Oba

(b) Kawere n'ebitontome bye bafaanagana. Nyonnyola obutuufu bwa kino.

Masagazi ne Banne: <u>BALYA N'ENSEEKEEZI</u>

6. (a) KATI OKUFA MUGANO

Obudde bukaaye kati
Abavubuka beekyaye kati
Abakadde mulabye kati
Okufa gufuuse omugano!

Abakadde bafa obukadde
Naye abavubuka bafa amalogo
Abavubuka ne bafa emmundu
Abavubuka ne bafa empalana
Bambi bandifudde ebyo kale
Naye abavubuka bafa ekimbe!

Abavubuka mbasaasidde mmwe
Obudde bubakaayidde mmwe
Bye mwagala bibassa mmwe
Ebirungi bibatta mmwe
Okuwangala ndaba kubeesamba

Simanyi kye mweyuna kufa mmwe
Mulekera abazade okulira
N'ezzadde lyammwe ekizibu

E magombe terimwalimwa mmwe
Mu maaso eyo nnengera amalangaata!

Abakulu mbasaasidde mmwe
Abakadde muzadde ezzadde
Abakulu mukoledde ensi mmwe
Abakadde mugikoledde ebirungi
Abakulu muzadde ensi mmwe
Abakadde mukuumye ensi mmwe
Abakulu mutaasizza ensi eno;
Mwebale mutegese ebirungi enfaafa
Ne bwe mufa kale kati mmwe
Naye mu maaso nnengera okusaana!

Abakadde mwekaabireko mmwe
Abavubuka babeekobedde kati
Engabo bazibaziridde mmwe
Waliwo ekibakanga okubayiwa
Waliwo ekibatwala akapaalo
Ebirungi babizize abatiini
Tomanya kye beeyuna okufa kati
E Kaganga nga teri lugendo!
Mu maaso eyo nnengera amatongo!

Abakulu muli ku ki mmwe?
Abantu basaanawo mutunula!
Bajjajja mubayite oba banyiivu
Batubuulire kale ekyo eky'asoba
Abakugu bassebo mufube mmwe
Mutuzuulire ebirezi tuwone ggwe
Amabujje mugawe ekituufu
Ebyokulwanyisa biri ebirungi
Bwe bukodyo obw'okugema ekirwadde
Bakirwanyise kirabe nakyo nno
Bakikunguzze bakigobe ku maapu
Mu maaso eyo bawone amalangaata!

Naye obudde bukaaye kati
Ssebo abavubuka beekyaye bali
Kale abakadde mulabye mmwe
Ndaba okufa gufuuse omugano!

EBIBUUZO

(i) Mu kitontome kino omuwandiisi alinga abalaata nyonnyola n'eby'okulabirako.
(ii) Omuwandiisi atontomera baani era abagamba ki?
(iii) Eby'obuwangwa biweereddwa omwagaanya mu kitontome kino. Bimenye.
(iv) Laga ensonga enkulu omutontomi kw'azimbidde ekiyiiye kye kino.

Oba

(b) Eby'obufuzi kye kimu ku bintu ebyettaniddwa mu katabo kano. Nyonnyola n'eby'okulabirako eby'enjawulo.

M.B. Nsimbi: KAGENDA NE BANNE

7. (a) Bw'osoma essuula essatu ezisembayo ofuukira ddala ekitonde ekiggya. Kino omuwandiisi akyolesezza tya?

Oba

(b) Omuwandiisi yeeyambisa biki okuggyayo omulamwa ogw'obukulu bw'okusoma Mu lugero luno?

Andrew Benon Kibuuka: OLUSOZI LW'ABATULEGE

8. (a) Ensibuko y'obutabanguko mu muzannyo y'eyo efaanaganira ddala n'ensi omulabi waagwo gy'alimu ebiro bino.

Oba

(b) Enzimba y'abazannyi mu muzannyo guno ebakyayisa oba okubaagazisa omulabi. Ku buli ludda leetayo babiri babiri olage b'otendereza ne b'ovumirira olw'embeera zaabwe.

BIKOMYE WANO